# BBASALE: Engeri abafere gye babba abazadde abaagala eby'obwereeere



Abamu ku bayizi ku mukolo gw'ekitongole ekimu ekigaba bbasale.

Bya PONSIANO NSIMBI
ne EMMANUEL SSEKAGGO

MU mbeera ng'abazadde basala amagezi okulaba ng'abaana baabwe basoma wakati mu bugubi bw'okuyigga fiizi, waliwo ebitongole n'abantu bassekinoomu abeerimbika mu kugaba bbasale kyokka gye biggweera nga babbye bubbi bazadde.

*Bukedde* akoze okunoonyereza ku bbasale ez'enjawulo era akulaga engeri omuzadde gy'asobola okumanya bbasale entuufu n'okwewala abafere abatera okwerimbika mu kuyamba abaana nga babawa bbasale kyokka okukakkana nga bababbye n'akatono ke bandibadde nako nga bakabaliddeko.

### ENGERI GY'OSOBOLA OKUTEGEERA ABAFERE

Abakugu abenjawulo *Bukedde* be yatuukiridde baalabudde abazadde okwegendereza nnyo bbasale ezigabibwa abantu bassekinnoomu n'ebitongole ezirangibwa ku leediyo n'emikutu egya 'social media' nti tezibbye bantu nneeyano!.

"Abafere ba bbasale abamu beeyambisa Pulogulaamu ku leediyo ezibeerawo mu matumbi budde kwe bagagira nnamba z'essimu mbu abazadde kwe basobola okuyita okufuna bbasale so nga bafere", omu ku bakungu mu misisitule ey'ebyenjigiriza eyasabye amannya ge okusirikirwa bwe yagambye.

Yawadde abazadde amagezi okukolagana n'abantu abalina ofiisi ezirina endagiriro entongole kuba abafere bangi baagala nnyo ensonga okuzimalira ku ssimu kwe basabire ssente ez'okwewandiisa oba abamu bassaawo ofiisi ez'ekimpatiira mu bifo ebitalina ndagiriro, ng'olumala okufera nga basenguka.

Eyaliko kamisona w'ebyenjigiriza, Edward Ssebukyu yalabudde abazadde nti nga tonnaba kukkiriza mwana wo kugenda mu ssomero lyonna ku bbasale, sooka wekkaanye obukwakkulizo bwayo era wabeerewo n'ebiwandiiko bye muteekako emikono kwebyo bye mukkiriziganyizzaako. "Bwe nnali nkyali mu minisitule y'ebyenjigiriza, abazadde baaleetanga okwemulugunya ng'amasomero gabeefuulidde nga baggya abaana baabwe ku bbasale. Bwe wabaawo endagaano ze mwakola, essomero terisobola kwekyusa.

Waliwo n'enkola endala amasomero gye gakola, ne galemera ebiwandiiko by'abayizi gamba nga bamaze S4 nga gaagala basomero awo S5 ne S6 olw'ebitone kyokka ng'oluusi omuzadde n'omwana tebagaala kino ne kivaako okusika omuguwa.

Kkansala Faridah Nakabugo ow'e Lubaga agamba nti amasomero agamu gagaba bbasale naye nga gali ku kakodyo ka kusika baana ne weesanga nga ssente z'osasula ku byetaago by'essomero zikubisaamu eza ffiizi ze bakusasulirako.

### BBASALE Z'OBWAKABAKA

Omwogezi w'Obwakabaka, Israel Kitooke yagambye nti Obwakabaka bwa Buganda bumaze emyaka nga buwa basale eri abaana ba Buganda ku mitendera egy'enjawulo kyokka eky'enjawulo nga teziganyula Baganda bokka wabula abantu ba Kabaka bonna abali mu bwetaavu. Yagambye nti Obwakabaka bulina bbasale za mirunndi ebiri okuli emanyiddwa nga Kabaka Education Fund (KEF) ne 'Kkalaamu Ngabo'.

Israel Kitooke agamba: Enkola ya KEF Kabaka mw'ayita okuyambako abaana naddala abava mu maka agateesobola bulungi mu bya ssente okusoma ku mitendera egy'enjawulo okuva ku Pulayimale okutuuka ku yunivasite.

Mu bbasale ekika kino, abayizi okusinga bayambibwako ekitundu ku bisale by'essomero singa liba kitundu kw'ago agalimu enkola eno.

Tewali bukwakkulizo bwa maanyi omwana bw'alina okutuukiriza okuggyako lipoota eraga engeri gy'abadde asomamu n'ebbaluwa eraga nti yafunye ekifo mu ssomero gy'agenda okusomeramu.

Mu kiseera kino, omuzadde tokyetaaga kujja mu ofiisi y'ebyenjigiriza e Mmengo, osobola okugenda ku mutimbagano n'oteekemu ekigambo 'Kabaka Education Fund' ogende ku kibanja kyaffe ogoberere emitendera osobola okufuna bbasale zino.

Enkola ya 'Kalamu Ngabo yo' ekola ku baana abalabika okuba nga 'bagezi' nnyo. Amasomero agalimu enkola eno, newankubadde omwana aba ne lipoota okuva mu ssomero gy'aba avudde, naye gaddamu ne gamuwa ebigezo ebimugezesa nga bw'abikola obulungi afuna sikaala n'atandika okusomera obwereeere.

### OBULABIRIZI BW'E NAMIREMBE OKUYAMBA KU BAYIZI MU BUTONGOLE BUKUTANDIKA MWAKA GUNO

Akulira ebyenjigiriza mu Bulabirizi bw'e Namirembe, Rev. Can. David Mpagi yagambye nti enkola y'okuwa abayizi bbasale ng'Obulabirizi tebaddeewo mu butongole kyokka kaweefube akolebwa era omwaka guno bugenda kugitandika.

Yagambye nti omwezi ogujja ogwokusatu nga tegunnaggwako, enkola y'okuwa abayizi bbasale ejja kuba weeri mu Bulabirizi bw'e Namirembe era bannamukisa bayinza n'okutandika okugiganyulwamu mu ttaamu eno esooka era ab'okuganyulwa mu nteekateeka eno be bayizi abava mu maka agateesobola bulungi mu bya ssente kyokka ng'abaana abo bamalirivu era nga baagala okusoma.

### EKLEZIA ESOSOOWAZA BAANA B'ABASOMESA B'EDDIINI (CATECHISTS)

Akulira ekitongole ky'ebyenjigiriza mu Vikaliyeeti ya Kampala, Rev. Fr. Aloysious Lumala yategeezezza nti enkola ey'okukwatizaako abayizi abali mu bwetaavu yagunjibwawo omugenzi Ssaabasumba Dr. Cyprian Kizito Lwanga n'ekigendererwa eky'okuyamba okusinga abaana b'abasomesa b'eddiini.

Yagambye nti abasomesa b'eddiini tebalima musaala mugereke gwe bafuna ate nga bakola omulimu munene nnyo okugunjula n'okusomesa eddiini ng'emu ku ngeri y'okubasiima Ssaabasumba yasalawo okubakwatizaako.

Wabula agamba nti enteekateeka eno tekoma ku baana b'abasomesa bokka, waliwo n'abalala abali mu bwetaavu abayambibwako. Fr. Lumala yagambye nti enkola eganyulwa abaana abamaze P7 ne S4 ng'eri mu masomero ga Klezia gonna mu Ssaza ekkulu erya Kampala. Buli ssommero waliwo omukisa gwa bifo 10 eby'okukwatizaako abayizi ekika kino era abayizi abasoba mu 400 baganyuddwa.

**Ebisaanyizo by'okuganyulwa mu nteekateeka eno**

Fr. Lumala yagambye nti omwana alina okubeera nga yabatizibwa era ng'asembeddwa omusomesa w'ekisomesa ekimutwala, amukulembera okumutuusa ewa Bwanamukulu w'ekigo ekimutwala, awandiikira ofiisi y'ebyenjigiriza ey'essaza.

Omuyizi alina okubeera n'obubonero obulungi era okususula kukolebwa ku mutendera gwa vikaliyeeti.

Omumyuka w'akulira ekitongole ky'ebyenjigiriza mu ssaza lya Kampala, Rev.Fr. John Bosco Ssettumba yagambye nti omwana okufuna basale eno alina okubeera nga yayise bulungi era alina okukuuma omutindo ate nti singa alemwa okukola okukuuma omutindo Klezia erina obuyinza okusazaamu bbasale.

### BBASALE EZIRI KU UGANDA MUSLIM SUPREME COUNCIL

Akulira ebyenjigiriza ku kitebe ky'Obusiraamu ekya Uganda Supreme Council, Sheik Juma Bakhit Cucu yannyonnyodde nti balina enteekateeka y'okukwatizaako abaana abateesobola mu by'enjigiriza okuva ku pulayimale okutuuka ku yunivasite.

Yagambye nti olw'embeera y'ebyenfuna n'abavujjirizi okusalikako olw'entalo mu mawanga agali gabakwatizaako bbasale bagaba za kitundu eri abaana ababeera bayise obulungi era abakakasiddwa nti bali mu bwetaavu. Omwana alina okuba Omusiraamu, ng'alina ebbaluwa y'obuzaale, obufaananyi n'ebbaluwa emusemba okuva ku LC n'omuzikiti ogumutwala. Walina okubeerawo obukakafu nti ddala ali mu bwetaavu. Sheikh Bakhit yagambye nti ku mutendera gwa Yunivasite balina n'amawanga ag'ebweru agabakwatizaako nga Turkey, Egypt, Sudan ne Sudi Arabia kyokka nga balina okusoomoozebwa olw'omuwendo ogw'abeetaaga obuyambi ogweyongera buli lukya.

### BBASALE ZA MASTERCARD FOUNDATION:

Kino kye kitongole ekiyambako abaana abava mu mawanga ga Africa ag'enjawulo naddala abali mu bwetavu ng'eno eri mu matendekero aga waggulu.

Mu Uganda ekitongole kino kikolagana ne yunivasite ya Makerere era waliwo abayizi baganyuddwaamu. Eno basasulira omuyizi ebisale byonna ne bagattako n'ebikozesebwa mu kusoma.

Abaganyulwa mu bbasale zino balina okuba n'obujulizi obulaga nti bali mu mbeera eteesobola nga bali wansi w'emyaka 28 ate ng'ayali abaddeko omukulembeze ku mutendera gwonna.

### BBASALE Z'EBITONE

Waliwo n'abaana bangi abafunye omukisa okusoma olw'ebitone byabwe ku mitendera egy'enjawulo okugeza abayimbi, abasambi b'omupiira, katemba n'ebirala.

### OKUGANYULWA MU NTEEKATEEKA ZA GAVUMENTI

Gavumenti erina enkola ey'okuwola abayizi abagenda ku yunivasite emanyiddwa nga Higher Education student Financing scheme (HESF). Eno eyamba abayizi ababeera bayise obulungi naddala mu masomo ga ssaayansi ne basasula nga bamaze okusoma.

Bbasale z'amasomo g'ebyemikono nga zino ziri mu matendekero ga gavumenti gonna okwetoolola eggwanga nazo okuzifuna olina okubeera n'obubonero obulungi.

Bbasale z'abaana abaliko obulemu.

### ENGERI ENDALA GAVUMENTI GY'EKWATIZAAKO ABAYIZI

- Waliwo enkola ya Gavumenti ey'okuyamba ku bayizi ababa bakoze obulungi mu disitulikiti (District Quarter) nga wano omuyizi asaba yaakamala S6.
- Waliwo n'enkola ya Gavumenti ey'okuyambako abaana ababa bakoze obulungi ku S6. nga kisinziira ku bubonero bw'oba ofunye ne kkoosi Gavumenti gy'esalawo okukuwa.

## Abazadde bateesezza ku bbasale



**Kezironi Mulindwa:** Embeera y'ebyenfuna mu ggwanga si nnungi era twebaza ebitongole eby'enjawulo ebivuddeyo okuyamba ku bazadde. Naye kye tusaba byeyongere obungi abawerako bayambibwe.



**Maria Gorreti Tumwesigye:** Abantu n'ebitongole ebyagala okuwa abayizi bbasale bandibadde bayita mu bakulembeze b'ekitundu ne bazuulira ddala abaana abali mu bwetaavu.



**Shaluwah Nanfuka:** Abazadde abaagala okufuna bbasale balina okwegendereza abafere. Olina n'okwegendereza amasomero agaakatandika oluusi galimba nti gagaba bbasale.